
# ENKOLA ENEEGOBERERERWA KU LW'OKUKUUMA OMUTINDO GW'ENGEGE N'EMPUUTA EBIKAZIDDWA NGA BABISAAMU OMUNNYO N'OKUBYANIKA KU MUSANA MU NGERI EY'EKIKUGU



THE REPUBLIC OF UGANDA

Ministry of Agriculture,
Animal Industry & Fisheries
Directorate of Fisheries Resources

UNBS

# ENKOLA ENEEGOBERERERWA KU LW'OKUKUUMA OMUTINDO GW'ENGEGE N'EMPUUTA EBIKAZIDDWA NGA BABISAAMU OMUNNYO N'OKUBYANIKA KU MUSANA MU NGERI EY'EKIKUGU

## CONTENT


1.0 ENKOLA Y'OKUNNYIKA EBYENNYANJA MU MAZZI
2.0 EMITENDERA GY'OKUSITULA OMUTINDO KU NGEGE N'EMPUUTA EBIYIIRIDDWA OMUNNYO.
3.0 EBIKOZESEBWA EBIVA MU MAKOLERO OMULONGOOSEBWA EBYENNYANJA
4.0 EBYENNYANJA ABANTU BYE BATIKKULA OBUTEREEVU OKUVA KU MWALO
5.0 EBYENTAMBUZA YE BYENNYANJA EBYAKAVUBWA
6.0 OKUTEGEKA OKULONGOOSA (OKUBYOZA, OKUJJAMU EBYENDA, OKUBIKYUUSAKYUUSA BIKALE)
7.0 OKUSIWA OMUNNYO
8.0 OKWANIKA
9.0 ENTEREKA YE BYENNYANJA
10.0 OKUSABIKA
11.0 ENTWALA Y'EBYENNYANJA MU KATALE

## 1.0 ENKOLA Y'OKUNNYIKA EBYENNYANJA MU MAZZI

### 1.1 Engeri ebyennyanja gye biteekebwa mu mazzi agalimu omunnyo

a) Ekirungo ky'omunnyo kino kibeera wakati w'ebitundu kinaana ku kikumi okutuusa ku kikumi ku kikumi gulaamu ebikumi bibiri mu nsanvu okutuuka ku bikumi bisatu mu nkaaga ez'omunnyo ku liita y'amazzi. Enkola ey'okulunga omunnyo mu mazzi okuba ennungi obeera olina okwekeneenya obunovu bw'omunnyo entakera, omunnyo ogukozesebwa nga mutindo era nga buli lunyika lwa byennyanja, okola kirungi kipya n'ekyovu ekyetonda ku kirungo kungulu okukiggyangako.

b) Ekyennyanja kinnyike mu kirungo ky'amunnyo ekinovu obulungi okumala eddakiika ng'abiri ku kyennyanja ekiweza centimeters 7.

c) Ebyennyanja byanike ku katandaalo akasitufumu ko okumala essaawa 16 okutuusa essaawa 18.

d) Kumutendera guno, ekyennyanja kikalirire okusinziira nga kaasitoma bwayagala.

e) Bwe biba biwedde okkolwako obulungi eby'ennyanja bipakire mu buveera olw'okwewala okukala ennyo mu biseera eby'ekyeyaera obiziyize okuddugala.

f) Ekyennyanja ebikoleddwako obulungi kikyayinza okuwangaala okumalira ddala emyezi mukaaga.

g) Obuwuka obusirikitu obuyinza okugumira embeera ez'omunnyo buba tebukyakula singa eky'ennyanja kiba kikaziddwa bulungi oba nga kinyikiddwa bulungi mu mazzi aganoze obulungi omunnyo.

### 1.2 Okwanika ng'omansiddeko omunnyo, wano empeke z'omunnyo zimansirwa ku ngulu ku kyennyaja kwe nnyini.

a) "Kench salting" mu nkola eno omunnyo gusiigibwa ku kyennyanja ekyabuliziddwamu kungulu era ebyennyanja obissa


ku binaabyo buli lubu n'omamirira otunnyo so n'otuzzi otwzaala natwo tuweebwa ekyanya ne tuviirawo ddala.

b) Mu nkola eno ebyennyanja biteekebwako omunnyo ogw'omunva ogwekika kya “sodium Chloride” nga lino kibifuula bya kyenvunvu. Singa ebirungo by'omunnyo ogwekika kya “magnesium ne Calcium” biba mwebiri biviirako ebyennyanja okusiiwuka n'okukaayirira.

c) Ebitundu 95% ku munnyo ogukozesebwa ku byennyanja byandibadde bya munnyo ogukozesebwa mu nva ogwekika kya “sodium chloride” era gwandibadde teguliimu tuzzi. Singa omunnyo ogwelusula nga gwe guliwo, gusabulule ng'okzesa amazzi amayonjo ojjemu obukica obuleetebwa ebirungo bya “Calcium ne magnesium”engeri gye bitasaabulukuka mangu nga munnyo gwe nva.

d) Munkola eyokusiiwa omunnyo kirungi okukozesa ekintabuli ky'omunnyo ogwempeke ennene n'entono. Newankubadde nga omunnyo ogw'empeke entono gukira kugunaagwo ogwempeke ennene mu kukola ekirungo ky'omunnyo mu mazzi, Golw'okuba gusaabulukuka mangu bwegutekebwa obutereevu ku byennyanja. Mu bwangu obwekitalo gukamula amazzi okuva ku nsusu z'ebyennyanja, ekiziviirako okukaluba/ okuguma n'okutangira omunnyo okuyingira munda. Embeera eno eyitibwa “Okusabulura” oba salt burn.

## 2.0 EMITENDERA GY'OKUSITULA OMUTINDO KU NGEGE N'EMPUUTA EBIYIIRIDDWA OMUNNYO.



## 3.0 EBIKOZESEBWA EBIVA MU MAKOLERO OMULONGOOSEBWA EBYENNYANJA

### 3.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukkiriza okutikkula ebiva mu byennyanja nga byonoonese.
b) Entambuza y'ebyennyanja embi.
c) Ebintu ebiteekebwamu ebyennyanja nga bijama.
d) Abakozi abatefaako okugeza nga enjola n'engoye zaabwe bijama.
e) Enkola embi gamba nga okukasuka ebyennyanja ku ttaka n'okubirinnyako.



## 3.2 Enkola Ezitasaanidde

a) Abakola ku byennyanja bekeneenye ebyennyanja sikulwa nga bagula ebivunda oba ebiva mu byennyanja kuba omutindo gw'ebinaaba bikoleddwaako gukka kuba gwa wansi nnyo.

b) Ebyennyanja mu makolero okuteekwako omunnyo biteekebwe mu bisituliro ebiyonjo.

c) Kakasa nga ebikozesebwa bitambulizibwa mu bukuumi ate nga biyonjo.

d) Faayo okulaba nga buli akola ku byennyanja muyonjo ddala.

e) Mwewale enkwata eyinza okuddugaza eby'ennyanja  byaffe gamba nga okufujja/ okuwandula okulinnya ku byennyanja, okubikasuka, ku ttaka.



## 4.0 EBYENNYANJA ABANTU BYE BATIKKULA OBUTEREEVU OKUVA KU MWALO

### 4.1 Enkola Ezisaanidde

a) Okumala gasuula n'okupanga ebyennyanja ku ttaka ebyakavubwa nga mugobwa ku mwaalo.

b) Eby'ennyanja ebituuse ku mwalo okukyafuwazibwa n'amazzi g'omunyanja amakyafu.

c) Amazzi amoonoonefu okuyiikayiika ku byennyanja oba obukyafu obutali bumu okukulukutila ku byennyanja.


d) Enkwata y'ebyennyanja embi n'obujama bw'abakozi bennyini

e) Waliwo emikisa gy'ebisolo, ebinyonyi eby'ewuluntira ku myalo okukyafuwaza ebyennyanja.

f) Werinde okwonooneka kwebyennyanja okuyinza okuva ku nkwata embi eya kasasiro.

g) Ebyennyanja ebyakavubwa nga tebinalongosebwa tebyateekeddwa mu musana.

h) Kibi nnyo okulongoosa ebyennyanja ebituuse kumwalo nga byonoonese.



## 4.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ku myalo eyo ebyennyanja tebirina kukasukibwa ku ttaka naye bitikkulirwe butereevu mu bisituliro ebiyonjo.

b) Obwegendereza bwetaagibwa nga bajja ebyennyanja mu lyato olw'okwewala amazzi gokumwalo agaddugala.

c) Ebyennyanja ebirungi byokka bye birina okutikkulwa.

d) Abakozi babeere nebyambalo ebyetaagisa gamba nga akakubiro, enkampa, magetisi nga babadde bakola ku byennyanja ebibisi.

e) Faayo nnyo ku nkwata ennungi ey'ebyennyanja n'obuyonjo bw'abantu ababikolako.

f) Funa ekifo awasuulibwa kasasiro ate okirabirire.

g) Faayo okulaba nti ebinyonyi n'ebisolo tebyegiriisiza mu ddongoserezo lya byannyanja.


h) Teekawo ekigango ekitobera omusana okwegiriisiza ku byennyanja obutereevu.



## 5.0 EBYENTAMBUZA YE BYENNYANJA EBYAKAVUBWA

### 5.1 Enkola Ezisaanidde

a) Okusitulira ebyennyanja mu bintu ebijama.
b) Okutambuza ebyennyanja ku loole eteri mbikeko.
c) Okulemererwa okukuuma obunnyogovu mu lugendo lwokutwala ebyennyanja mu ddongoserezo.
d) Okugattiriza ebintu ebirala gamba nga ebifuta emipiira gy'emmotoka, Amanda n'emmere ku mmotoka etambuza eby'ennyanja.
e) Okutambuliza ebyennyanja mu bisituliro ebiregamya amazzi agabivaamu.



## 5.2 Enkola Ezitasaanidde

a) Bwe kiba kisoboka ebyennyanja ebibisi bitekebwe mu bbalaafu mbagirawo era abeeremu ddala nga babitambuza okubituusa ku ddongooserezo.


b) Ekya bbalaafu nga kigaanye, ebyennyanja bibikibwako bulungi mu bisituliro ebiyonjo oba ku bumotoka obusituzi mu mbeera y'obudde empeweevu.

c) Abantu tebasaanye kutuuka ku byannyanja oba ku bintu ebirala ebiva mu by'ennyanja nga biri ku  mmotoka emabega.

d) Ebyennyanja oba engumbagumba zaabyo zibikkibweko ekiveera olw'okwewala enfuufu okuyingira mu by'ennyanja.

e) Weewale ebyennyanja n'ebinyu ebirala ebiyinza okunafuya okwonoona oba okuyingira mu by'ennyanja.

f) Faayo nnyo ku ntambuza y'ebisituliro by'ebyennyanja esaana n'obuyonjo bwawo we biterekebwa.



## 6.0 OKUTEGEKA OKULONGOOSA (OKUBYOZA, OKUJJAMU EBYENDA, OKUBIKYUUSAKYUUSA BIKALE)

### 6.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Obutayonja wokolera.
b) Enkwata embi n'okumala gasuulasuula ebyenda. n'engumbagumba eziwooleddwako emiwula.
c) Abakozi abatali bayonjo.
d) Ebizimbe omukolerwa nga bijama.
e) Okuddingana amazzi agakozesebwa edda oba ebyennyanja.
f) Okumala gayiwa ebizzi buli wosanze.
g) Okulongoosa ebyennyanja mu ngeri eteri ntuufu.
h) Okukolera ku kifo ekitali kituufu era ekitayonjeka mangu.
i) Eddongoosezo nga bannyiniryo tebafaayo kuziyiza bantu, nsolo binyonyi kuyingirayo.
j) Abakozi abali mu mbeera y'obulamu embi (abalina amabwa, n'endwadde ezisiigibwa).
k) Obutafaayo ku buyonjo bwa bifo ebyetooleddewo.
l) Enkwata y'ebyennyanja etefa ku mutindo.
m) Eddongoosezo eriyingira mu enfuufu ebiwuka, ebisolo ebitaayaaya, mukoka, n'ebizzi ebijama teryandisaanye kukozesebwa.



## 6.2 Enkola Ezisaanidde

a) Okufuna omutindo omulungi, kozesa ebyennyanja ebyakavubibwa.

b) Okujjako ng'emitwe gyetaagibwa, kirungi okusooka okujjako omutwe nokalakata nolyoka oyabuluza.

c) Kibaage ojjemu ebyenda ekibumba n'enviiri ate okyoze bulungi.


d) Jjako ebigalagamba by'ekyennyanja okutuuka kulususu naye weegendereze obutaluyuza.

e) Kiyoze bulungi okinyike mu mazzi agalungiddwamu omunnyo oguwerera ddala ebitundu kkumi ku buli kikumi ebyomunnyo mu mazzi kumala eddakiika ng'asati.

f) Kakasa nti ekyennyaja kittulukiddeko ddala amazzi nga tonnoba kukyanika.

g) Abakozi bateekeddwa okwambala ebibikka omumwa ne nyindo, akakubiro, magetisi, akakufiira n'enkampa ku bibatu.

h) Omuntu w'akolera wabeere wasitufuumu kko.



i) Ekifo woolongooseza ebyennyanja wandibadde waakolebwa mu lususu oluyonjeka nga terutalagga gamba nga aluminium (akozesebwa mu kuweesa amaseffuliya) steel atatalagga (akozesebwa mu kuweesa owambe) oba obutimba obwa “steel”.

j) Emmeeza ezikolebwako/ obutandaalo nga byandibadde bikkiriza amazzi okukulukuta ne gatalegama wookolera.

k) Abakozi babeere bayonjo ate abo ababa balina endwadde ezisiigibwa tebandikkiriziddwa kukwata ku byannyanja.

l) Tomala gakkiriza bantu, bisolo oba bantu oba ebinyonyi okutuuka ku kifo webalongooseza n'okwanikira eby'ennyanja.

m) Abakola ku by'ennyanja bakeberebwenga entakera.

n) Omulimu gw'okulongoosa ebyennyanja gwandikoleddwa mu kifo ekyekusifu okwewala ebiyinza okuviirako ebyennyanja okujamawala.

## 7.0 OKUSIWA OMUNNYO

### 7.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okukozesa omunnyo ogutali mulungi.
b) Ebisituliro nebikola ku byennyanja ebitali biyonjo.
c) Abakozi abatali bayonjo.
d) Okulemererwa okuyonja eky'ennyanja obulungi nga tonnakinyika mu munnyo.
e) Okulemererwa okukuuma obulungi omunnyo ogusigaddewo oluvannyuma lw'okusumululwa n'okukozesebwako.
f) Okukozesa omunnyo gwe gumu emirundi egissuka mu gumu sinakindi obutagukozesa bulungi.



## 7.2 Enkola Ezisaanidde

a) Omunnyo ogw'okukuuma eby'ennyanja obulungi gulina okutambuzibwa n'okuterekebwa nga mukalu ngate gukumiddwa bulungi nga gubikiddwaako mu bidomola eby'omunnyo, mu masitoowa, mu bisituliro oba mu buveera.

b) Weewale omunnyo ogukozeeko okuddamu okugukozesa okendeeze emikisa gy'ebikadde okwonoona ebipya.

c) Omutindo gw'omunnyo ogukozesebwa mu by'ennyanja gwandibadde ogwo ogutuukanye n'omutindo gw'ekyo kye gugenda okukola.

d) Omunnyo ogwekika kya sodium chloride ogukozesebwa munva gwe mutuufu okukozesa kubyennyanja ebisava.

e) Ekirungo kya bwe kiyitirira kikugira omunnyo okuyingira mu kyennyanja ate ekiyinza okukiviirako okwonooneka

f) Okufuna ekintu ekirungi, kakas anti otabika omunnyo ogwempeke ennene n'entono.

g) Okukozesa omunnyo ogwobuweke obutono bwokka kiyinza okuviiraako ebitundu by'olususu lwebyennyanja ebimu obutatuukibwako munnyo.



h) Okukozesa agaweke y'omunnyo agayitiridde obunene kiyinza okwonoona ebyennyanja mu kiseera nga babimamirirako n'ebitakala mu budded.

i) Omunnyo gw'obuweke obutono gwe guba gukozesebwa mu kukaza ebyennyanja ebisava ate ogwagaweke aganene gukole ku byennyanja ebikapakapa.

j) Enyennyanja ebiteekeddwaamu omunnyo byawulwe okusinziira ku bika byabyo obunene era biteekebwe mu mitendera okusinziira ku kika abaguzi abenjawulo kyebeetaaga.

k) Omunnyo ogukozeeko gujjibwenga ku byennyanja nga tebinayawulwa so ng'ate bwoba tonnabipakira sooka omansireko omunnyo nga mupya. Wano buli kyokola kikole mubwangu eby'ennyanja bireme kuyonooneka.

l) Bwoba otabula omunnyo ogw'ebiweke ebinene n'obutono nga gwa kusiwa mu byennyanja omunnyo ogw'ebiweke ebinene gwandibadde mu kipimo ekikubisaamu emirundi ebiri ku ekyo ekyogwebuweke obutono.

m) Ekyennyanja ekisinga obulungi okukolwako n'omunnyo bwe bwennyanja obutonotono nga bwamba oba engumbagumba gy'ebyennyanja ebinene. Ekyennyanja ekisava nga kinene bulungi tokikolako n'omunnyo nga kiramba kyabuluzeemu wakati kiggyeemu ebyenda omunnyo gufune we gukinogaanira obulungi nga wagazi ekimala.

n) Buli kilo emu ey'omunnyo ekola ku kilo ssatu ez'ebyannyanja ebyabuliziddwamu.

o) Mu kulunga omunnyo, abakikolako bateekwa okumamirira otunnyo otutonotono we bakolera ne kuludda olubagiddwa olwo ebyennyanja ne bitegekebwa bulungi awakolerwa, n'okisalamu obusimba. Ng'omaze olubu olusoose mamirirawo n'omunnyo oguwerako olubu oluddako olutereeze ku byasoose ng'olususu lwabyo lutunudde wansi.

p) Kyuusiriza ebyennyanja n'embu z'omunnyo omale okwataganye olususu/ ekiriba ku kiriba n'oludda olwabuluddwa ku lunnaalwo okutuusa nga byonna bikoleddwaako/ bituukiddwaako.

q) Ekiriba kye kiteekwa okusemberayo ddala waggulu nga n'omunnyo ogukiriko mungi ddala bwomala entuumu ogibikkeko.

r) Entuumu yaffe girekaawo okutuusa erikeera oddemu obipakire buto nga n'omunnyo ojwongeddeko nga bwekibeera kyetaagisizza. Kino kiyamba ekyennyanja okukalira ddala obulungi.

s) Bwe wabaawo ebyennyanja eby'omunnyo ebirala biterekeddwa okumala essaawa ng'abiri mu nnya n'ebimu ng'omunnyo si mungi nnyo. Bireke bibeerewo okumala essaawa nga mukaaga zokka.

t) Ebyennyanja ebinene bitemwamu nga tebannabirunga munnyo kino kigayiza ekifo awamamiribwa omunnyo n'okukendeeza obuwanvu bw'ekifo omunnyo we gulina okusensera.

u) Weekenneenyenga nnyo obuyonjo bwe byamaguzi n'ekifo ewakolebwa nga tonnabimansirako munnyo.

v) Abakozi balina okwesabika ku nviiri olugoye nengalo.

## 8.0 OKWANIKA

### 8.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okwanika ebyennyanja ku ttaka.


b) Obutafaayo kumanya nti ebyennyanja bikaze bulungi.

c) Obutaba nankola nnuŋamu kulukusa mazzi gavudde mu byennyanja.

d) Okubulwa obutandaalo okwanika n'okwanika ebyennyanja ebibisi ku ttaka.

e) Okukozesa ebintu nga bijama gamba nga ettundubaali okwanikibwa ebyennyanja oba olumu okwanika ebyennyanja ebibisi ku ttaka obutereevu.

f) Okwanika mu bifo awayinza okuva obujama gamba ng'obujama obuva mu nfuufu, mu motoka oba bikkakka ebiva mu makolero, amazzi agakozeseddwa oba agenkuba aga mukoka n'ebirala.




## 8.2 Enkola Ezisaanidde

Zino zenkola ez'obutonde eziyinza okukozesebwa okwanika ebyennyanja;

a) Ebyennyanja byanike ku katandaalo akali mita emu kisobozese empewo okwanguyirwa okubiyitamu n'okubikaza wansi ne waggulu.

b) Sikyangu ebyennyanja ebyanike ku katandaalo kujamawala nanfuufu, omusenyu oba okutuukibwako amangu ebisolo kubitambaala.

c) Ebyennyanja ebyanike kukatandaalo byanguko okutaasa ngokozesa oba singa wabeera enkuba, okusinga ebyanike ku ttaka nga biyitamu mukoka.



d) Akatandaalo nga keesuliseemu kko kayamba amazzi agasigalira ku byennyanja okwejjako gokka gamba singa amazzi ago gaalegama mu biviiriviiri oba mu butulituli obukiriko gayinza okukivunza ekyennyanja oba ebbanga kwe kyandikalidde okufuuka eggwanvu.

e) Obutandaalo tebwanditeekeddwa kumpi na bibura oba nebizimbe ebiwanvu kuba bikugira empewo okwetambulira obulungi.

f) Kiba kya buvunaanyizibwa okwanula eby'ennyanja mu budde bwekiro oba mu biseera omuli enkuba ng'obunnyogovu bweyongedde. Singa ebyennyanja bikungaanyiziddwa mu kiro ne bibikibwa n'ekiveera biba teinywa mazzi nnyo era oba osobola okuzzaayo mu musana n'ebyongera kukala enkeera.

g) Singate ebyennyanja bikungaanyiziddwa mu kiro ng'obitisse ku binnaabyo amazzi gajja kweyongera okutambulira ku ngulu n'obwangu mu kukala bujja kuba bweyongera.

h) Bigyeemu amazzi obiteekereteeke okukala, singa embera ziba nnungi ng'omusana gye guli byanike mu kisiikirize so si mu kasana pereketya.

i) Mu kiro ekisooka tobeggyaako ku katandaalo bwe kiggwa, biggyeeko obinyigirize buli kiro okutuusa nga bikalidde ddala, nga obinyiga nnyo okumala ebbanga egwanvu nga ekiseera kyokwanika buli kiro okutuusa nga bikaze bulungi, ngokozesa (greater pressure ne longer pressure times) okutuusiza ddala ku nkomerero y'ekiseera ky'okwanika.

j) Byoyanise yongera okugenda ng'obikyusakyusa era ngobinyiganyiga okutuusa nga tebikyakendeela mu buzito, teeka mu bisawo otereke bulungi.

k) Ebyennyanja tebisaanye kwanika ku ttaka kuba kiba kyangu okulumbwa ebivunyu ebibeera mu ttaka nga binoonya ekyokulya.

l) Ebyennyanja bisaanye bikazibwe obulungi bireme kubaamu kawunyawunya akayinza okusikiriza ensowera okwewuluntira ku byennyanja.

m) Ensowera zibiikwa amagi gaazo ku byennyanja ebibisi mpozzi ne mu biseera ng'otandika okwanika. Naye ebyennyanja gye byeyongera okukala nensowera gyezikoma okuggwaamu amaanyi okubyeyunira.

n) Singa ebyennyanja bikala mangu ekimala ngamagi tegannayalulwa mu bivunyu kikendeeza obuzibu bwokonooneka kasita ebyennyanja bikala ekimala nga nensowera tekikyaali kizibu, biba birina kutaasibwa kulumbibwa biwuka.

o) Okunyika ekyennyanja/ oba okukimamirirako omunnyo nga tonnakyanika kijja kukendeeza emikisa gyokulumbibwa ensowera.

p) Obulumbaganyi bwensowera busobola okukendeera ng'ofuyidde eddagala eritalimu bulabe ku bya kulya wansi w'akatandaalo okwanikibwa. Lino eddagala teririna kuyonoona byannyanja era nga likakasiddwa obutabeera nabulabe singa libeera kumpi n'ebyokulya.

q) Singa engeri zonna eziziyiza ensowera okutuuka kubyennyanja, ng'okubisiwako omunnyo n'okubyanika n'okubitereka obulungi biba biremeddwa, olwo kozesa eddagala eritalina bulabe ku bantu. Wabula liteekwa kuteekebwako muntu mutendeke amanyi ekyokukola. Wabula liteekwa kuteekebwako muntu mutendeke amanyi ekyokukola. Ekimu ku bika byeddagala eryandikozeseddwa ye pirimiphos-methyl.

## 9.0 ENTEREKA YE BYENNYANJA

### 9.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Okutereka ebyennyanja mu masitoowa omutali butimba mu madirisa, yadde ebisiba.

b) Okutereka mu masitoowa agayisa empewo entono ddala oba ago agataliimu mpewo ddala.


c) Okutereka mu masitoowa amajama.

d) Okutereka ebiragalalagala mu sitoowa emu n'ebyennyanja

e) Okutereza ebyennyanja ku ttaka kwe nnyini.

f) Okutereka mu masitoowa agaazindwa edda oba agakyayinza okuzindwa emmese, ebiwuka ng'ebyennyanja n'ebirala.

g) Okukozesa amasitoowa agaazimbwa mu bifo ebiyinza okuvaamu obuwuka gamba nga okuliraana kaabuyonjo, kasasiro oba ebifo omukulutirwa ebizzi bya mukoka.




## 9.2 Enkola Ezisaanidde

a) Bwotereka obulungi ebyennyanja ebikaliziddwamu omunyo kibikuuma obutayingiramu mazzi ekiyinza okubyanguya okuvunda/ okwonooneka.

b) Amasitoowa agasaana okuterekamu ebyennyanja gateekwa kuba maweweevu, Makalu bulungi nga gayisa bulungi n'empewo.

c) Kakasa ng'amasitoowa tegayingiramu biwuka, binyonyi yadde emmese.

d) Singa ebyennyanja biba tebyakala kimala, ate n'ebiterekebwa mu kifo ekibisibisi, bijja kulumbibwa bukawukumi obutono obulabika ng'obutonyeze ku byennyanja. Kino bwe kibaawo ebyennyanja bibikkeko obe ng'obikeberakeberako ate ofube okubitunda amangu.



e) Mu kukaza ebyennyanja n'omunnyo, kozesa omunnyo nga gwa mutnindo mulungi, okusiwa ku byennyanja. Bwotokikole waliwo obuwuka obusirikitu obuwunza ebyennyanja obuyinza okulumba ebyennyanja ng'obiterese era ebyo ebinaabaamu omunnyo omungi bijja kujjako obubala obwa looza.

f) Ensowera obutabeera nnyo ku by'ennyanja biteekebwe mu bisituliro ebibikiddwaako obulungi ng'obadde obitambuza ko n'okubitereka.

g) Tokkiriza nfuufu yadde ebikkakka ebifubutuka mu motoka eziyitingana okutuuka ku byennyanja by'oterese.

h) Weewale okulela ebyennyanja ebikalu okutuukira ddala ku ttaka, ebyennyanja bipange ku butandaalo obusitufumu kko.

i) Kozesa amagezi gonna g'omanyi okuziyiza emmese okuyingiramu tterekero ly'ebyennyanja.


j) Ekifo awali sitoowa kisaanye kibe walako n'ebintu bireeta obujama gamba obusolo ng'emmese

k) Sitoowa eteekwa okuba nga nzimbe bulungi era ng'eyingiza abo bokka abateekwa oba abakkiriziddwa.

## 10.0 OKUSABIKA

### 10.1 Enkola Ezitaasanidde

a) Ensabika embi ng'okozesa ebisabika ebitali birungi ku mulimu ogwo.
b) Okupakira eby'ennyanja mu bbugumu ejitirivu.
c) Okukozesa ebyakirwamu ebijama.
d) Okukozesa abapakira nga bajama.
e) Okupakira ebyennyanja ebitakaze bulungi.



## 10.2 Enkola Ezisaanidde

a) Ebyennyanja biteekwa okupakirwa mu busawo omuli obutulituli oba bookisi eziyitamu empewo.

b) Weewale okupakira ebyennyanja ebingi mu kisituliro ekitono sikulwa ng'ebyennyanja byenyigaanyiga.

c) Abapakira basaana okuba abayonjo era n'ekifo we bapakirira nakyo kibe kiyonjo.



## 11.0 ENTWALA Y'EBYENNYANJA MU KATALE

### 11.1 Enkola Ezitasaanidde

a) Weewale entambula eyingiza enfuufu, ebifutafuta n'ebikkakka embwa mu ekizoosi, enkuba oba nga embeera muli ya bunnyogovu ng'esobola okwonoona eby'ennyanja.

b) Okulinyirira, okutuula okusambirira, okwebakiriza n'ebirala waggulu ku loole y'ebyennyanja tebisaana.

c) Okutikka eby'ennyanja ebiyitiridde obungi ku motoka entono ekireeta okubiteeka ku binaabyo, okubiyigiriza ebisawo nebisawo ku binnaabyo si kirungi.

d) Okukozesa entambula ey'akasoobo eyinza okuvaamu ebyennyanja okwonooneka nga tebinnatuuka ku butale.

e) Okubitambuliza ku nguudo embi ezijjudde enfuufu n'ebisooto ng'ebimu biyinza n'okuyingira mu by'ennyanja.

f) Emmotoka enneetissi zisaana zibe nnyonjo skiulwa nga bitta omutindo.



g) Obutafaayo ku buyonjo bwabantu abakola mu kutambuza ebyennyanja.

h) Okugattiriza ebyennyanja n'ebyamaguzi ebirala ku mmotoka

i) Okutambuliza eby'ennyanja ku bimotoka ebiwedde ku mpagala ebiyisa omukka omubi sinakindi okufiira ku kkubo ekireeta okulwa.

## 11.2 Enkola Ezisaanidde

a) Emmotoka okutambulizibwa eby'ennyanja ziteekwa okuba ennyonjo.

b) Ebisawo omuli eby'ennyanja bibikkibweko bulungi n'ekintu ekitayitwamu mazzi gamba nga oluveera eby'ennyanja bireme kugwako nfuufu oba kukubwa nkuba nga babitambuza.


c) Bwe kiba kisoboka, bakozese emmotoka ezibikka ng'otambuza ebyennyanja bireme kwonooneka.

d) Togattiriza byannyanja na by'amaguzi birala ku motoka emu kale, bwe kiba bwe kityo kakasa nga buli kitikkiddwa kisibiddwa bulungi bireme kwekuusa ku binaabyo.

e) Totambuliza basaabaze wadde bintu byaabwe mu motoka etwala eby'ennyanja.

f) Emmotoka eziwedde ku mpagala ezifuuwa omukka mu ekizoozi omuyitirivu zireme kutambuza bya nnyanja, oba si kyo kale ziddabirizibwe zikolebweko nga tezinnatikkira.

g) Bwe wabaawo engundo endala.
Weewale okutambuliza eby'ennyanja ku nguudo ezijjudde enfuufu ne bitoomi ebiyitiridde.



Commonwealth Standards Network

UKaid from the British people

Prepared with assistance from the
Commonwealth Standards Network, a programme sponsored by the
UK's Foreign, Commonwealth and Development Office (FCDO).